**17th April 2016.**

## AMATABA OMWAALI EKISA N'EKIRUYI BYA MUKAMA EBIYITIRIVU.

**Lubereberye 7.**

Amakya ga leero nga tweyongera mu nsomesa zaffe mu kitabo ky'olubereberye ekyo eky'entandikwa za buli kimu, leero tuyingizibwa mu ssuula ey'omusanvu kyokka eyalimu okuzikirizibwa okw'ekitalo, ng'okusooka omulamwa nali ngutuumye "Amataba Omwaali obulokozi n'okuzikirizibwa bya Mukama ebiyitirivu", naye lwaakuba ekisa kya Mukama ekiyitirivu kye kyaleetera abaawona amataba okulokolebwa awamu n'ensolo zonna ezaali mu lyaato lya Nuuwa, era n'ekiruyi kye kye kyaaleetera bonna na byonna okuzikirizibwa ebyaali wabweeru w'elyaato, n'empulira nti kigwaana ne tweetegereza kanaaluzaala wa byombi.
Eno ye ssuula ey'okubiri eyatugelerwa Musa ku bulamu bwa Nuuwa, kw'ezo ennya ez'oogera ku bulamu bwe, mu kitundu ekimanyiddwa ku kitabo ky'olubereberye ekisinze obututumufu, ng'era kye kisinga okunokolwaayo mu ndagaano empya, ekyo eky'essuula ekkumi neemu ezisooka, nga bwe tunaalaba ne Yesu Kristo akola gyebuggya.

Nga bwe gwaali ku lugero lw'okutondwa kwa buli kimu mu ssuula empya, n'olugero lw'amataba gano lukubiddwaako nnyo empawa, ng'abandi balugera bulala, kyokka n'abandi bagaana okukkiriza nti bwe gwaali, wadde ng'ate ebyawandiikibwa n'ebizuuliddwa ba kayiikuuzi(archeologists) ebikakasa obutuufu bw'alwo bingi nnyo. Ng'omutume Peetero bwe yagamba mu II Peetero 3:5,6 nti…..

[*Tusome lnny.1-10.*]
Omulundi ogwaggwa twasomesebwa ku "Biro by'okweeteekera teekera amataba" mwe twawunzikira mu lnny.22 nti "Nuuwa yakola byonna nga Katonda bwe yamulagira". N'olw'ekyo mu kweetegereza ekisa kya Mukama eky'amuleetera okulokolebwa awamu n'abenju ye awamu n'ensolo zonna, wadde twaali tukitegedde nti tekyaali kuba nti Nuuwa teyalina bibi mu bulamu bwe wabula

olw’ekisa kya Mukama yalondwayo, era n’agondera okulagirwa kwa Mukama kwonna kye yava alokolebwa olw’okukkiriza kwe, nga bwe twaalaba mu Baeb.11:7 nti “Olw'okukkiriza Nuuwa, bwe yalabulwa Katonda ku bigambo ebyali bitannalabika, n'atya bulungi, n'asiba eryato olw'okulokola ennyumba ye; kyeyava asalira ensi omusango, n'afuuka omusika w'obutuukirivu obuli mu kukkiriza.”
Kye kyamulabisa ng’omutuukirivu mu mulembe gwe nga bwe tugambwa mu lnny.1, era ekituyigiriza obulungi nti okukkiriza mu Mukama olwo netukola byayagala bituleetera obulokozi mu nsi eno ekituwonya okuzikirizibwa mu buliwo era ne mu bujja, ku lunako lw’enkomerero lw’okusalwa omusango eri obutakkiriza bwonna mu Yesu Kristo. Era mu nny.5,9,13, ne 16 tulaba obuwulize bwa Nuuwa.
[*Tusome nny.11-16*]

Kyokka nga bwe tweetegereza mu ssuula 5:32 nti “…..” ne mu 6:3 nti “…..”, ne 7:6 nti “…..” Kitulaga nti Nuuwa yalina emyaka 480 bwe yatandika okuzimba eryato, kubanga yalizimbira emyaka 120, kyokka nga batabani be yabazaala amaze kuweza 500, ekitegeeza nti yatandika emyaka 20 nga nezzadde talina, kyokka nga Mukama yali amusuubizza okumuwonya awamu ne zzadde lye! Ekituyigiriza nga Mukama bwaawa ekisa ky’obulokozi eri ezadde lyaffe bwe tumweeweera ddala, era nga bwe gwaali eri Yisiraeri mu Kuva 12:13,… Eri Koluneeliyo mu Bik.10, awamu n’omukulu w’ekkomera mu Bik.16:31…. Nga bwe twaalabye mu Baeb.11:7, nti Mukama wa kisa nnyo okutwaagaliza okulokolebwa n’ab’enju zaffe, n’olw’ekyo abazirina n’ab’eteekateeka okuzifuna kitugwaanidde okumukkiririzaamu nga tugondera nnyo ebiragiro bye gye tuli nga bwe tusomesebwa. Era tulaba nga Nuuwa abakulembera okuyingira ne mukazi we nabo nebagoberera, ye Mukama n’aggalawo eryato.

[*Tusome nny.17-24*]
Olw’eggulo n’elabiddeko ku mataba mu kitundu ekimu kunjegoyego za Kampala, olw’enkuba etonnya ebiro bino buli kiro, agaaleetedde n’emmotoka gye twaabadde tugenderamu olugendo oluwanvu okuzikira mu mazzi nebagisindikamu era tweebaza Mukama nti yakanikiddwa netusobola oggenda ku kwanjula e Kamuli, kyokka era enkuba empitirivu gye yatonnye emikolo negitaataaganyizibwa, naye bwe nalabye n’agange abaabadde basaabala ku booda bwe baagudde mu mazzi negabatwaala, n’enteebereza ku bubaka bwa leero, nti amataba agatubuulirwaako

gaabikka ensozi zonna mita nga musanvu, ate bulijjo nalowoozanga nti gaali mazzi buzzi, naye nga ku kye nalabyeeko eggulo, galina okuba nga gaali gajjudde ettaka, ebiti, n’ebintu byonna ebyaalinga ku nsi ku ttaka, nga n’okuba kiyitirivu okuteebereza obubi bw’embeera nga bwe yali!
Emirundi etaano tubuulirwa ku buyitirivu bw’amazzi gano ddekabusa…
Lnny. 17 – Amazzi ne geeyongeranga……
Lnny. 18 – Amazzi ne gatumbiira ne geeyongera okwaala ku nsi……
Lnny. 19 – Amazzi ne gatumbiira nnyo nnyini ku nsi, n’ensozi zonna empanvu wansi w’eggulu lyonna amazzi ne gazibikka.
Lnny. 20 – Amazzi ne gatumbiira ne gabikka ensozi ne zibulira wansi mu mazzi mita nga musanvu.
Lnny. 24 – Amataba gaamala ku nsi ennaku kikumi mu ataano! (Emyeezi 5).
Ohh, nga Mukama yali mumalirivu nnyo okuzikiriza buli kiramu ku nsi nga bwe yali asuubizza, olw’ekibi n’obugweenyufu obwaali ku nsi!

Naye ekikulu nti balina okuba nga baalabulwa nnyo era bulungi, okuviira ddala ku kuzaalwa kwa Mesuseera eyazaalwa Enoka – kubanga erinnya lye lyaali litegeeza nti “bwaalifa kiriggya”, ate nga ye yasinga okuwangaala ku nsi emyaka 969,era ng’obulamu bwa kitaawe bwaali bwakulabirako obulokozi bwa Mukama.
Teebereza nti baalaba n’ebisolo nga biyingira mu lyato bibiri bibiri, okuva yonna gye byaava..nebatassa nnyo ndowooza ntuufu ku mbeera gyebyaali byeesega nga Nuuwa bwe yali abagamba..
Era ne Yesu Kristo bwalabula mu Mattayo24:37 – 39 era ne mu Lukka 17:26 – 29, nti…….
N’olw’ekyo nate nga II Peetero 3:10 – 14 bwezigamba nti………..

Olwo naffe tulokolebbwe olw’ekisa kya Mukama ekiyitirivu mu Yesu Kristo so ssi okuzikirizibwa olw’ekiruyi kye ekiyitirivu eri ekibi mu bulamu bwaffe.

Mukama atusaasire…….